

335/1
LUGANDA
Paper 1

2 hrs

STANDARD HIGH SCHOOL ZZANA

Uganda Certificate of Education
EBIBUUZO BY'OKWEGEZAAMU EBY'AWAMU
LUGANDA

(Okuwandiika emboozi, Okukyusa, Okufunza, Ggulama n'ebisoko)

Olupapula Olusooka
Essaawa bbiri (2)

EBIGOBERERWA:

Olupapula luno lulimu ebitundu bibiri A ne B.

Mu kitundu A , mulimu nnamba 1. (a) ne 1. (b). Londako (a) oba (b).

Mu kitundu B, mulimu nnamba 2. ne 3. Nnamba 2, londako (a) oba (b).

Nnamba 3 yonna ya buwaze.

EKITUNDU: A

Kola nnamba 1. (a) oba 1. (b) mu kitundu kino.

1. (a) Ku mitwe egikuweereddwa, londako gumu oguwandiikeko emboozи ya bigambo nga 400. *(Buli mutwe gwa bubonero 50)*
 - (i) Akufumbira ey'omutwe
 - (ii) Buvunaanyizibwa bw'abazadde obuviiriddeko abaana okwonooneka. Kubaganya ebirowoozo.
 - (iii) Ppereketya w'omusana kye yabakola!!!
 - (iv) Okutirimbula kw'abantu ennaku zino.

Oba

- (b) Ku mitwe gino londako ebiri (2), buli gumu oguwandiikeko emboozи nga bw'olagiddwa. *(Buli mutwe gwa bubonero 25)*
 - (i) Weefuule omulimisa mu ggombolola yammwe otegeke omusomo era onyonnyole abalimi engeri y'okulimamu ebirime mu kiseera ekya Ppereketya w'omusana. *(Kozesa ebigambo nga 200)*
 - (ii) Mukwano gwo bwe mwasoma ayatiikiridde nnyo olw'ensimbi ennyingi zeyafuna. Muwandiikire ebbaluwa ng'omutendera ebizibu byo osanga anaakuwaayo obuyambi. *(Kozesa ebigambo nga 150)*
 - (iii) Weefuule kojja wa Kiwalabye omubuulirire ku lunaku olukulembra embaga ye. *(Kozesa ebigambo nga 150)*
 - (iv) Ssentebе w'ekyalо kyammwe akyazizza abakulembeze b'obutonde ku kyalо. Osabiddwa okubaaniriza mu kitundu kyammwe. Wandiika okwogera okwo ng'obaaniriza wamu n'okubanjula eri abantu abakuññaanye. *(Kozesa ebigambo nga 200)*

EKITUNDU: B

Kola ekibuuzo 2. (a) oba 2. (b)

(Buli kibuuzo kya bubonero 20)

2. (a) Funza ekitundu kino wammanga mu bigambo nga 100.

Ku ssaawa mukaaga n'ekitundu, mu ttumbi, nawulira ng'omwoyo ogw'obwambega gweyongedde mu nze, nga gulinnye ku mutwe, ngutamidde bwenge. Eri ewa Kaweke navaayo ku ssaawa mukaaga mu ttumbi gwennyini, okumala ekitundu ky'essaawa ekyo nnali ntudde awo ku mmeeza ng'ennaku w'ensimbide. Nalowooza ebintu nkumu ebifa ku by'omulimu gwe nnali njolekedde naye bwe byatuukanga ku kibuuzo ekigamba nto “Ntandika ntya omulimu gwange?”, ebirowoozo byonna ne bifuuka “Kkomekkome” ne ndaba nga tebirina gye bintwala.

Lubaale wattu, ntandika ntya okunoonya obujulizi obunannyambula ekikoligo ky'omusango guno era nga ntandikira wa? Ekibuuzo ekyo nalwawo nga sinnaba kukyekkusa, ne nneeziribanga, ne nneekuyenga, ne ntuubagira nga busa. Leero ne mbeera ku katuubagiro ng'azina n'owenkufo. Nnali nnaatera okuwangulwa otulo tuntwale, ne nzijkira ebigambo mukyala Kaweke bye yali asinyizzaako, olwo ne nzijkira nga bwe nnali mmaze n'okumutereesa nti bba yamugamba aleme kuggalawo olwo n'embaguka ng'aliko ekitambo akabina ne nnyeenya.

Ewa Kaweke ettaala yali ekyayaka mu ddiiro nga tebannajizikiza. Bwe nnalubandulawo ne ngyefubutika nengiyingira anti nga nninga ayingira mu yange. Amaaso nagatuukiza ku kasumuluzo, okugaggya awo nagalaza mu kisenge eky'omuddiiro n'oluvannyuma ne ngeebunguluza eddiiro ndabe ampuuna. Wonna nga kiri mulaala, olw'omuyimbi Nnamale (olufunguwo) nalusikayo, lutali luno ne ndukuba mu kkufulu n'enjerula ebyali munda.

Ng'omubbi bw'atera okukola ng'amenye enju nange bwe nnakola, n'ebitabo ebimu ssaabisomangamu. Omutwe ne guntawuka, ne guwunga, ne gumpuumga nga ndaba mbuliddwa eky'omugaso n'ekimu. Bwe nneerowooza ne ηηambaa nti kale Kaweke bw'akomerawo awo n'ankwatira mu kkabada ye!! Ne nfuluma.

Bwe nnatuuka mu luggyaa ne nsangawo omuntu ayimiridde ng'akubye eno ku nju ya Kaweke amabega. Olw'ettaala ziri ez'ebweru ezsula nga zaaka, nasobola okumwetegereza amangu nti mukazi. Bwe yawulira engatto yange ng'ekoona, ng'eyomba n'amayinja n'amaguka, n'akyuka okuntunuulira.

Teyanninda, kumutuukako n'ayogera mu ddoboozi ery'essimbo so ate nga lya busungu nti Mwami, obwedda oli mu nju omwo so ate nga ne nnyinimu taliimu, naye njagala ombuulire ky'obadde okolamu okimbuulire nkimanyi.

Ssaalina kirala kye nninda kubanga nnali mmaze okumutegeera nti ye mukyala wange. Ate nga yali mutuufu nnyo okunningiriza gye nnali ndaze kubanga bwe nnali nva mu nju saamubuulira era saamugamba saamutegeeza gye nnali ndaga.

Nange kyennava nzita ku ddoboozi ne mwetondera nti munnange ononsonyiwa obutakulaga nga nva mu nju, kyokka nnina ensonga enkulu ze nkolako zennoonyereza ate nga nzikolako mu kyama mu nkukutu mu bubba.

Oba

- (b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

(Obubonero 20)

MONICA'S VISIT TO KARAMOJA.

Monica, a sixteen year old girl in S.4 at Kampala Trinity College, had an aunt working in Moroto, Karamoja. After her ‘O’ level examinations, Monica went to Karamoja to spend her holiday with her aunt, and to have an experience of what she had studied in Geography and History about the region.

Her aunt was very happy to see her. She exclaimed with pleasure and embraced her, “Oh Monica, nice to see you! How are you? Did you like the journey?”

“Yes, Auntie, I liked it. Uncle Stephen was driving very carefully, especially on the bumpy roads.”

“Were there only the two of you in the car?” “No, Auntie. Three of us. We picked up a lady from Tororo. She and uncle talked and laughed all the way.”

Who was she? Had you seen her before? No, Auntie. We found her near Rock Hotel. She stopped us and uncle asked me whether we should give her a lift. Naturally, I said yes.

What was she like? Her aunt asked. She was tall and brown. She told us she was a doctor. I admired her.

“Did you?” “Yes, I did. I must become a doctor, too!”

For the next few weeks Monica spent her time assisting her aunt with the house duties. Her aunt worked at Kangole Hospital as a midwife, and would leave the house for work at 8:00 am and return at 5:00pm. She was quite happy with what her niece was doing in house. Monica, too, was happy to be in Karamoja for the first time in her life.

Kola ebibuuzo 3. (a) ne 3. (b)

3. (a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddawo. *(Obubonero 20)*

(i) Munnaffe kamu bigere gw'ate onoobanga eyazze okugula amafuta!!.

(ii) Abayizi ba Yunivaasite ye Makerere beekumamune balumba abakulembeze olw'embeera embi.

(iii) Baali bakyali mu yaakade k'okuyingira mu kibiina ne kavuga nga tebannalya.

- (iv) Mwannyina wa Kiwanuka ye yasooka okumukubako
n'ategeeza abalala.
- (v) Munnange nno Omwoyo, ng'olukuttira akuloga.
- (vi) Omwana muwala oyo eby'okusoma tajja kubisobola kubanga.....
agakutte mu ngalo.
- (vii) Omwana gwe nnatumye obw'enkya na buli kati talabikako afuuse
..... gw'e Kanyanya.
- (viii) Ekyali ku mbaga eri kyali magi.
- (ix) Ekyanziggya ku mutwe kwe kusanga nga Nambalira
yasoba dda!
- (x) Oyo omwana takyatunyega kigambo era bw'atusanga
kkuutwe.
- (b) (i) Wandiika ebikolwa **bina** nga tebyetaaga kikolebwako. (*Obubonero 04*)
- (ii) Sentensi zino wammanga ziteeke mu kiseera ekirijja. (*Obubonero 02*)
- Omwana teyasoma.
 - Nfumba mmere.

(iii) Laga obumu bw'embu zino wammanga. (*Obubonero 04*)

- 14 : BU.
- 22 : GA.
- 6 : MA.
- 10 : N.